**23rd October 2016.**

# ENSISINKANO SSINZIGGU.

**Lubereberye 32. 33.**

Omulundi ogwaggwa twaleka Yakobo ayawukanye ne Labbaani, Kojja we gwe yali adduka mu kudda ewaabwe e Kanani gye bamuzaala, oluvannyuma lw'okuddukayo muganda we Esawu kaakano emyaka egisoba mu makumi abiri.
Tujjukire nti mu ssuula 27:43-45, Lebbeeka yagamba Yakobo nti obusungu bwa muganda we bwe buliba bumuweddeko alimutumira akomewo, naye kyaali kimugwaanidde aveewo okuwonya obulamu bwe, nga bakikwekereza mu bweetaavu bwe oggenda e Kalani e Panadalaamu afuneyo omukazi. Era n'okutuusa kati nnyina Yakobo yali taddangamu kumuwuliza. Kaakano akomawo eka tamanyi bwe kiri eri Esawu gw'amanyi nti yanyiiza nnyo. Bwatyo bwe yeyongera mu lugendo lwe mwe tulabira afuna ensisinkano ssinziggu ezaakyuusa obulamu bwe mu ngeri ezannamaddala.

Okusooka, bwe tusoma 32:1,2…… Asisinkana bamalayika ba Katonda. N'alaba eggye lya Katonda eyali naye mu lugendo lwe lwonna. Era nga Abaebbulaniya 1:14 bwe lugamba nti gy'emyooyo egitumibwa okuweereza abo abagenda okusikira obulokozi. Oba yali atidde eggye lya Labbaani, naye Mukama n'amulwanira, yaweebwa obukakafu bw'obukuumi gyaali nga bwe yali asuubiziddwa Mukama mu ssuula 31:3…….
Ekyaalina ommugumya obutatya ggye lya Esawu nga bwe tunaalaba – naye bwe gutaali.
N'affe n'olw'ekyo tulina okuba abagumu misana na kiro nti Mukama atukuuma nga bw'asuubiza entakera mu kigambo kye entakera. Nga mu Zabbuli 34:7, nti "Malayika wa Mukama yeebulungula abo abatya Mukama n'abawonya.

Mu nny.3 - 8………. Tulaba Yakobo afuna entiisa ey'amaanyi yadde yali yakaddizibwaamu amaanyi! - Ekituggira ffena ng'abantu. Kuba yali amanyi yali yasobya Esawu, n'olw'ekyo yalowooza nti eggye lye lyaali lya kumumaliriza n'abantu be bonna! Kyokka nga kyaali kimweetaagisa kwesiga bwesizi Mukama okusinziira mu bisuubizo bye gyaali. Zabbuli 34:8,9 zigamba…….. Ne Zabbuli 37 nnungi nnyo okweyambisa mu mbeera ng'ezo.

Wewaawo Yakobo yasaba nga nny.9 – 12 bwe ziri……….
Ekirungi ennyo era ekituufu ffena okkola; Okkowoola Mukama okusinziira mu bisuubizo bye era n'omusinza okusinziira mu kigambo kye. Bafiripi 4:6,7 zigamba……

Naye era teyajjuzibwa kukkiriza, wuuyo aweerezza ensolo 550 okuwooyawooya Esawu….[tusome nny.13 - 21]

Okutuusa bwe yagenda ebuziba nga bwe nandikiyise, n'asisinkana Mukama n'amutegeera, mu nsisinkano ye ey'okubiri era eyamukyuusa erinnya.[tusome nny.22 - 32].
Nkiwa nti mu kuddamu essaala ye, Mukama yajja eri Yakobo bameggane okutuusa bw'anaamukakkanya ng'amaze okwatula embala ye agyenenye, ekyamuviiramu okukyuusibwa mu linnya ne mu ntambula…….
N'affe kitugwaanira okunoonyeza ddala okubeerwa Mukama mu ngeri ezikyuusiza ddala embala zaffe, n'entambula zaffe. Naye nga kiva mu kwewaayo kwaffe kussa ssira mu kubeerawo kwe gyetuli.
Bameka mu ffe abajja mu service ng'eno okusisinkana Mukama?
Tutera kujja kuyimba nnyimba, abamu kuweereza n'ab'oluganda abalala kuwulira kigambo kye, oba "kusabako", abalala kusisinkana bantu baabwe……..naye tulina kujja kumusisinkana atufuule ddala ekyo kyayagala tubeere.

Mu ssuula 33, tulaba ng'asisinkana Esawu……..[Tusome 1 – 14.]
Tulaba ng'Engero 16:7 bwe lugamba nti "Amakubo g'omuntu bwe gaba gasanyusa Mukama, aleetera abalabe be okubeera naye mu mirembe".
Tetumanyi oba ne Esawu yalabikirwa Mukama nga Labbaani bwe yali, naye tulaba nti basisinkana mu mirembe, buli omu ng'assaamu munne ekitiibwa.

Kyokka ate Yakobo asigalamu enkenyera n'asenga gy'atandisenze, wadde yazimbayo ekyoto kya Katonda wa Isirayiri. Nny.15 – 20…..
Ebyakiviiramu ekyo byaali bibi nnyo era byamuleetera emitawaana nga bwe tunaalaba oguddako Mukama nga ye mubeezi waffe.